# Abafuna embuto nga tebanneetuuka beeraliikirizza Omulabirizi

BYA BONNY KIZZA

OMULABIRIZI wa West Buganda, Gaster Nsereko mwennyamivu olw'omuwendo gw'abawala abawanduka mu masomero g'Obukristaayo ne bafumbirwa nga bato, ky'agambye nti kizzizza Kkanisa emabega.

Yabyogeredde Kakoma mu ggombolola y'e Lwanda e Rakai mu kawefube gw'aliko ow'okulambula pulojetiki z'Obulabirizi omuli n'amasomero. Yalaze okutya nti ssinga abazadde tebatuukiriza buvunaanyizibwa bwabwe, Ekkanisa y'Omukama yandisaanawo.

Agamba nti, bo ng'abakulu mu Kkanisa bagenda kulwana okukuuka ejjembe okuzzaawo ekifaananyi ekirungi eky'amasomero g'Obukristaayo naddala ku mwana omuwala nga bayita mu kulambikibwa kwa Kkanisa.

Ebibalo ebyakasembayo okufulumizibwa biraga nti, abaana ebitundu 21.9% be bafuna embuto buli mwaka era bafuna obujjanjabi ku ddwaaliro ekkulu e Rakai.

Ye Venalebo Batalingaya Kephas Williams Ssaabadinkoni w'Obusaabadinkoni bw'e Kakoma yagambye nti, wabaddewo okusoomoozebwa mu masomero g'Obulabirizi kyokka okujja kw'Omulabirizi kwakuleetawo enjawulo.

Abamu ku bakulu b'amasomero okuli David Bbale owa Kakoma Senior Secondary School, Naggonzi Teddy Ssempijja n'abalala baagambye nti, bafunye obugumu n'obumalirivu okumalawo ebisoomoozo ebibadde bizimbye ku masomero g'Ekkanisa akanyaaga n'okukendeeza ku muwendo gw'abaana abawanduka mu masomero.

Bino we bijjidde, ng'Omulabirizi Gaster Nsereko ateekateeka okuweza omwaka mulamba kasokedde atuuzibwa ng'Omulabiri owoomusanvu mu bulabirizi buno.



Omulabirizi Nsereko ng'ali wamu n'abaddukanya amasomero e Rakai.